# Tewajja kubeera kugaba midaali ku lw'Abazira

Bya JALIAT NAMUWAYA

MINISITA avunaanyizibwa ku nsonga za Pulezidenti, Milly Babalanda akakasizza nti ku mulundi guno eggwanga terigenda kubeera na mikolo gya lunaku lw'Abazira ku kisaawe e Kololo wabula abantu ab'olubatu be bajja okukung'aanira mu maka g'Obwapulezidenti e Ntebe gye lujja okukulizibwa.

Emikolo egy'olunaku lw'Abazira gibeerawo nga June 9 era nga bulijjo gikuzibwa ku kisaawe e Kololo wabula olw'ekirwadde kya Ebola akakiiko akategesi ak'emikolo gino kasazeewo nti tewajja kuba kukung'aana kw'abantu bangi.

Olunaku luno era lusigadde nga lwa kuwummula era abantu abalala emikolo gino baakugirabira ku ttivvi.



Babalanda

Minisita Babalanda yannyonnyodde nti abantu abajja okubeera mu maka g'Obwapulezidenti mu kukuza emikolo gino tebajja kusukka 25 era tewajja kubeerawo kugaba midaali olw'okwewala ekirwadde kya Ebola.